

Ekitabo Ekiyitibwa Yona

Yona Ajeemera Katonda

¹ Awo MUKAMA n'ayogera ne Yona omwana wa Amittayi ng'agamba ² nti, "Situka ogende e Nineeve mu kibuga ekyo ekinene obatuuseeko obubaka buno obubanenya, kubanga ebibi byabwe birinnye eno waggulu ne bintukako."

³ Naye Yona n'adduka okuva mu maaso ga MUKAMA, n'aserengeta okulaga e Talusiisi. N'aserengeta e Yopa gye yasanga ekyombo, n'akirinnya okugenda e Talusiisi. Ng'amaze okusasulira etikiti ye, n'asaabala mu kyombo ekiraga e Talusiisi ng'adduka okuva mu maaso ga MUKAMA.

⁴ Awo MUKAMA n'aleeta omuyaga ogw'amaanyi ne gukunta ku nnyanja, n'ekyombo Yona mwe yali ne kyagala okusaanawo. ⁵ Entiisa ey'amaanyi n'ekwata abalunnyanja bonna, buli omu n'akaabirira katonda we amuyambe, nga bwe basuula n'emigugu egy'ebyamaguzi mu nnyanja bakendeeze ku buzito obwali mu kyombo.

Mu kiseera ekyo, Yona yali mu tulo wansi mu ntobo y'ekyombo. ⁶ Naye omugoba omukulu ow'ekyombo n'aserengeta gye yali n'amugamba nti, "Oyinza otya okuba nga weebase? Situka

okaabirire katonda wo, oboolyawo anaatukwatirwa ekisa n'atulokola.”

⁷ Awo abalunnyanja ne boogeraganya nti, “Mujje tukube obululu, tuvumbule omuntu yennyini avuddeko omutawaana guno.” Ne bakuba obululu, akalulu ne kagwa ku Yona.

⁸ Abalunnyanja ne babuuzza Yona nti, “Tubulire, lwaki otuleetedde akabi akafaanana bwe kati, kiki ky’okoze? Okola mulimu ki? Ova wa era oli wa nsi ki, n’abantu bo be b’ani?”

⁹ Yona n’agamba nti, “Ndi Mwebbulaniya; era nsinza MUKAMA, Katonda w’eggulu eyakola eggulu n’ensi.”

¹⁰ Awo ne batya nnyo ne babuuzza nti, “Kiki kino ky’otukoze?” Kubanga baali bategedde nti yali adduka mu maaso ga Katonda nga bwe yali amaze okubategeeza.

¹¹ Awo ne bamugamba nti, “Tukukole tutya ennyanja erongooke?” Kubanga ennyanja yali yeeyongerera bweyongezi okufuukuuka.

¹² N’abagamba nti, “Munsitule munsuule mu nnyanja ennyanja eneeteeka, kubanga esiikuuse ku lwange.”

¹³ Naye abalunnyanja ne bagezaako nnyo okugoba ku ttale, kyokka ne batayinza, kubanga omuyaga gwagenda gweyongerera bweyongezi.

¹⁴ Kyebaava bakaabirira MUKAMA ng’abagamba nti, “Tukwegayiridde Ayi MUKAMA, totuleka kufa olw’obulamu bw’omusajja ono, era totuteekako musango olw’omusaayi gwe n’okufa kwe, kubanga oleese omuyaga olw’esonga.”

¹⁵ Awo ne basitula Yona ne bamusuula mu nnyanja eyali eyira. Amangwago omuyaga ne

gusirika. ¹⁶ Abasajja ne batya nnyo MUKAMA, ne bawaayo ekiweebwayo gy'ali ne beeyama obweyamo.

¹⁷ MUKAMA yateekateeka ekyennyanya ekinene ennyo ne kimira Yona; Yona n'amala mu kyennyanya ekyo ennaku ssatu emisana n'ekiro.

2

Okusaba kwa Yona

¹ Awo Yona n'asinziira mu kyennyanya n'asaba MUKAMA Katonda we, ng'agamba ² nti,

“Mu nnaku yange ennyingi
nakaabirira MUKAMA n'anziramu;
mu buziba ewala mu magombe nakukoowoola,
era n'owulira eddoboosi lyange!

³ Kubanga wansuula ewala mu buziba mu nnyanja,
ne nzika, amayengo gonna,
ensozi n'ensozi z'amazzi ebikunta
ne bimbikka
ne binneetooloola.

⁴ Ne ndyoka njogera nti, 'Ngobeddwa mu maaso go;

Ddala ndiddayo nate
okulaba yeekaalu yo entukuvu?’

⁵ Nakkira ddala ku ntobo wansi w'amayengo,
okufa ne kumbeerera ddala kumpi;
Amazzi nga ganneetoolodde
era ng'omuddo gw'omu nnyanja gunneezin-
giridde ku mutwe.

⁶ Ne njendera ddala ku ntobo, ensozi z'omu nnyanja gye zisibuka, eyo,
ensi n'ensibirayo emirembe n'emirembe.

Naye ggwe MUKAMA Katonda wange, onzigye mu
bunnya,
Ayi MUKAMA Katonda wange.

⁷ “Bwe nnali nga mpweddemu essuubi, em-
meeme yange ng’ezirika
ne nkujjukira, Ayi MUKAMA Katonda.
Awo okusaba kwange entakeera ne kutuuka
mu yeekaalu yo entukuvu.

⁸ “Abo abassaayo omwoyo ku balubaale ne baka-
tonda abataliimu ne babasinza,
beefiriza okusaasirwa kwa Katonda
okubalindiridde!

⁹ Naye nze, n’oluyimba olw’okukutendereza,
ndikuwa ssaddaaka.
Ddala ndituukiriza obweyamo bwange
kubanga obulokozi buva eri MUKAMA Ka-
tonda.”

¹⁰ Awo MUKAMA Katonda n’alagira ekyen-
nyanja ne kiwandula Yona n’agwa ettale ku
lukalu.

3

Yona Agondera MUKAMA

¹ Awo ekigambo kya MUKAMA ne kijjira
Yona omulundi ogwokubiri, n’amugamba nti,

² “Genda mu kibuga ekinene Nineeve obalabule
n’obubaka bunu bwe nkuwa.”

³ Awo Yona n’agondera MUKAMA n’agenda e
Nineeve. Nineeve kyali kibuga kya kitiibwa
nnyo era nga kitwala ennaku ssatu okukibuna
kyonna. ⁴ Ku lunaku olwasooka Yona yatambula

olunaku lwonna ng'agenda alangirira nti, "Bwe waliyitawo ennaku amakumi ana, Nineeve kirizikirira." ⁵ Abantu b'omu Nineeve ne bakkiriza Katonda, ne balangirira okusiiba ne beesiba ebibukutu, bonna okuva ku asinga ekitiibwa okutuuka ku asembayo okuba owa wansi.

⁶ Amawulire gano bwe gaatuuka ku kabaka w'e Nineeve, n'ayimuka ku ntebe ye ey'obwakabaka, ne yeeyambulamu ekyambalo kye, ne yeesiba ekibukutu, n'atuula mu nfuufu.

⁷ Kabaka teyakoma awo, wabula n'ayisa n'etteeka n'alibunya Nineeve yonna nga ligamba nti,

Olw'ekiragiro kya kabaka n'abakungu be:

"Tewaba muntu yenna, wadde ensolo oba eggana n'ekisibo, okukomba ku mmere wadde amazzi; ⁸ naye buli muntu n'ekisibo bibikkibwe n'ebibukutu, era bikaabirire nnyo Katonda, era birekeraawo okwonoona n'okukola eby'obukambwe. ⁹ Ani amanyi? Oboolyawo Katonda anaakyusa ku kibonerezo kye, kye yatusalira n'akkakkanya obusungu bwe n'atatuzikiriza."

¹⁰ Awo Katonda bwe yalaba kye bakoze, ne baleka n'ebibi byabwe, n'abasonyiwa n'atabatuusaako kibonerezo, kye yali agambye okubatuusaako.

4

Obusungu bwa Yona n'Ekisa Kya Katonda

¹ Naye Yona n'anyiiga nnyo. ² N'alyoka yeemulugunyiza Katonda n'amugamba nti, "Kino ddala kye nalwooza, MUKAMA, bwe nnali mu nsi

ye waffe, lwe wasooka okunŋamba okujja eno. Kye kyanzirusa n'okunzirusa okugenda e Talusi-isi; kubanga namanya nti ggwe oli Katonda ajjudde obulungi, alwawo okusunguwala, alina ekisa ekingi, era namanya nti ojja kwanguwa okukyusa entegeka zo ez'okuzikiriza abantu bano. ³ Kale nno nkwegayiridde MUKAMA nzita; okufa kisinga okuba omulamu."

⁴ Awo MUKAMA n'agamba nti, "Olina ekituufu kw'osinziira okunyiiga?"

⁵ Awo Yona n'afuluma ebweru w'ekibuga n'abeera ku luuyi lwakyo olw'ebuvanjuba, era ne yeekolerawo akasiisira mu makoola, n'alinda alabe ekinatuuka ku kibuga. ⁶ Ebikoola by'akasiisira bwe by'awotoka olw'omusana, MUKAMA Katonda n'ategeka ekiryō ne kimera mangu amakoola gaakyo ne gabikka ku mutwe gwa Yona ne gakendeeza ku musana. Yona n'asanyuka nnyo olw'ekiryō. ⁷ Naye ate enkeera Katonda n'aleeta ekiwuka, ne kirya ekiryō ne kikala ne kifa. ⁸ Ng'enjuba yeewanise, Katonda n'alyoka alagira embuyaga ey'Ebuvanjuba ey'olubugumu okufuuwa Yona, omusana ne gumwokya nnyo mu mutwe okutuusa lwe yazirika. N'ayagala afe. N'ayogera nti, "Okufa kusinga okuba omulamu."

⁹ MUKAMA n'alyoka amubuuza nti, "Olina ekituufu kw'osinziira okunyiiga olw'ekiryō ekikaze ne kifa?"

Yona n'addamu nti, "Yee, kituufu nze okunyiiga ennyo n'okwegomba okufa."

¹⁰ MUKAMA n'amugamba nti, "Osaalirwa olw'ekibikka kyo ekyoonese songa si ggwe

wakimeza, ate nga kyo kyali kya kiseera buseera. ¹¹ Kale lwaki nange sandisaasidde Nineeve, ekibuga ekyo ekinene n'abantu baamu emitwalo ekkumi n'ebiri n'okusingawo, n'ente zaakyo ennyingi bwe zityo, abantu abatasobola kwawula kirungi na kibi?"

**Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa
ku katambi™**

**Ganda: Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa ku
katambi™ (Bible) of Uganda**

copyright © 2017 Biblica, Inc.

Language: Luganda

Contributor: Biblica, Inc.

This work is made available under the Creative Commons Attribution-ShareAlike 4.0 International License (CC BY-SA). To view a copy of this license, visit <http://creativecommons.org/licenses/by-sa/4.0> or send a letter to Creative Commons, PO Box 1866, Mountain View, CA 94042, USA.

Biblica® is a trademark registered by Biblica, Inc., and use of the Biblica® trademark requires the written permission of Biblica, Inc. Under the terms of the CC BY-SA license, you may copy and redistribute this unmodified work as long as you keep the Biblica® trademark intact. If you modify a copy or translate this work, thereby creating a derivative work, you must remove the Biblica® trademark. On the derivative work, you must indicate what changes you have made and attribute the work as follows: "The original work by Biblica, Inc. is available for free at www.biblica.com and open.bible."

Notice of copyright must appear on the title or copyright page of the work as follows:

Biblica® Open Akuapem Twi Contemporary Bible™

Copyright © 1996, 2020 by Biblica, Inc.

"Biblica" is a trademark registered in the United States Patent and Trademark Office by Biblica, Inc. Used with permission.

You must also make your derivative work available under the same license (CC BY-SA).

If you would like to notify Biblica, Inc. regarding your translation of this work, please contact us at <https://open.bible/contact-us>.

This translation is made available to you under the terms of the Creative Commons Attribution Share-Alike license 4.0.

You have permission to share and redistribute this Bible translation in

any format and to make reasonable revisions and adaptations of this translation, provided that:

You include the above copyright and source information.

If you make any changes to the text, you must indicate that you did so in a way that makes it clear that the original licensor is not necessarily endorsing your changes.

If you redistribute this text, you must distribute your contributions under the same license as the original.

Pictures included with Scriptures and other documents on this site are licensed just for use with those Scriptures and documents. For other uses, please contact the respective copyright owners.

Note that in addition to the rules above, revising and adapting God's Word involves a great responsibility to be true to God's Word. See Revelation 22:18-19.

2021-12-30

PDF generated using Haiola and XeLaTeX on 21 Feb 2024 from source files dated 16 Nov 2021

b8f803ca-b3a3-5d67-9825-04daa3956553